# Poliisi eziikudde abafu mu masabo

Bya JOSEPH MAKUMBI
ne SHAMIM NABUNYA


Abaserikale nga basazeeko amaka ga Muwanga e Kammengo. Ku kkono bye bimu ku bintu bye baasanzeeyo okuli n'emikono gy'omuntu (awasonze akasaale).

## Abantu bye bagamba


Bernard Lubega; Omusajja ono alabika mutujju kuba ebintu bye basanze ewuwe e Kammengo bitiisa ate buli wamu basanzeewo emirambo n'ebyawongo mu buli kayumba bakira ke baggulawo.


Edward Kiwanuka,kansala w'e Kammengo; Tuli basanyufu okulaba nga poliisi eteekamu amaanyi okulaba nga bafunza abasamize nga bano era tusaba bamwogeze n'abalala kuba alabika abadde tabikola yekka.


George William Mabirizi; Omusajja ono akulidde kuno ku kyalo era nga ffamire ye era ebaddemu ebikolwa by'obusamize, tusaba bekikwatako tusaba banoonye abaana abalala ababula.

EBIZUUSE ku musajja Ivan Muwanga eyakwatiddwa ku by'okuwamba abaana n'abatta biwuniikirizza abeebyokwerinda ne basigala nga beebuuza mulogo, mutemu oba musezi!

Ebibuuzo bizze oluvannyuma lw'okwaza n'okuyiikuula amasabo 11 agaasangiddwa mu maka ga Muwanga ku kyalo Lunyerere mu muluka gw'e Kanyike mu ggombolola y'e Kammengo mu disitulikiti y'e Mpigi.

Eggulo abeebyokwerinda bazzeeyo mu maka ga Muwanga awagambibwa nti gy'abadde awambira n'okutta abaana era abasawo ba poliisi okuva e Kampala baasimudde mu nnyumba ye ne basangamu emirambo emirala ebiri, amagumba g'abantu agaliko ennyama n'amalala nga geefaanaanyiriza okuba nga ennyama baagisalako. Awamu baakaziikula emirambo 9 okuva mu maka ga Muwanga ng'ogasseeko n'emikono ebiri egyasangiddwaayo.

Amyuka RDC w'e Mpigi, Sad Mwanje yategeezezza nti bye baasanze ewa Muwanga byabakanze era ne bibalekera ebibuuzo bingi.

Ssentebe w'ekyalo, Abdul Ssenoga eyabadde munda nga abasawo basima yagambye nti emirambo egyaggyiddwaayo kwabaddeko ogw'omusajja omukulu gwe baaziika nga bamwambazza ekkooti ate omulala, oluwanga lwabadde lwaggwaako dda ennyama kyokka nga ye yabadde mwana muto.

Emirambo gyombi gibadde gyaziikibwa mu ntaana emu nga kungulu baateekako engeri y'obuliri nga kizibu omuntu okumanya ekiri wansi.

Oluvannyuma nga poliisi n'abasawo bamaze okutwala emirambo ebiri, ekibinja ky'abasawo b'ekinnansi nga bakulembeddwa Nnaalongo Nansamba Mutongole kyatuuse ne basaba abaserikale babakkirize okukozesa obukugu bwabwe baddemu beetegereze amasabo ga Muwanga.

### BAZUDDE EMIKONO GY'OMWANA

Abasawo b'ekinnansi baasookedde ku ssabo ekkulu gye baazudde kalifoomu n'ejjambiya eriko omusaayi egambibwa okuba nga gy'abadde akozesa okutema abantu.

RDC Mwanje yagambye nti kalifoomu gwe baasanze mu ssabo kirabika Muwanga abadde amukuba abantu ne bawunga olwo n'alyoka abatemaatema.

Abasawo b'ekinnansi baagenze mu ssabo eddala eriri emmanju gye baakukunudde akati akaabadde kazingiddwa mu lubugo nga eringa ennyama eyabadde etungiddwa ku musito era baagenze okwanjuluza olubugo, amaaso baagakubye ku mikono egiteeberezebwa okuba egy'omwana omuwala oba omukazi nga yali mutonotono nga bagizingiddeko ssente obupapula obwa 5,000/- bubiri, eddagala n'evvu.

Mwanje era yagambye nti ku Mmande bwe baabadde baaza, baasanga ebyenda by'omuntu n'omutima nga bitungiddwa ku musito.

Baazudde n'endeku ey'emitwe ebiri nga baagiyiwako omusaayi, enviiri z'abantu, amannyo g'abantu, evvu eriteeberezebwa okuba ery'abantu be yayokya n'amagumba okutali nnyama nga gaziikiddwa mu bifo eby'enjawulo.

Akulira abasawo b'ekinnansi e Buwama Badru Nsumba Lumbuye yagambye nti bateebereza nti emikono egirimu ssente, Muwanga agikozesa ng'ekikolo okukola ssente n'agamba nti bbo ng'abasawo b'ekinnansi tebasaddaaka bantu, basaddaaka bisolo na binyonyi.

Mwanje yannyonnyodde nti emirambo egyaziikiddwa gyatwaliddwa mu ddwaaliro e Mulago bagyekebejje n'ayita abalina abantu baabwe abaababulako okugenda babaggyeko endagabutonde (DNA) okukakasa oba nga bantu baabwe.

### ABADDE YEERIMBIKA MU KUSOGOLA MWENGE

Muwanga ku kyalo babadde bamumanyi ng'omusuubuzi eyazimba n'ekkolero ly'omwenge ku kitundu, abadde asogola omwenge oguyitibwa Oscar Njovu Kombucha nga kkampuni ye abadde yagituuma Swigana Company Limited. Era babadde bamumanyi ng'omusuubuzi w'entangawuzi nga ne mu lugya lwe, waasangiddwawo ensawo z'entangawuzi eziwerako poliisi ze yatutte ng'ebizibiti.

Abadde yazimba ekikomera kiwanvu nnyo nga kizibu omuntu ali wabweru okulengera ebifa munda nga n'amasabo abadde yazimba mampi agatasobola kulengerwa ng'oli bweru.

### ABADDE AKYAZA BAGAGGA FFUGGE

Abatuuze abaabadde bakungaanye okulaba ebyabadde bigenda mu maaso baagambye nti mu maka ga Muwanga, wabadde tewaggwa mmotoka za bbeeyi zibadde zimukyalira, naye nga tezirwawo, okuggyako nga bw'aba azze nazo nga lwe zirwawo kubanga wadde alina emmotoka bbiri ez'amaanyi, abadde atera okuvuga ku za mikwano gye.

### ENGERI GYE BAAMUKUTTE

Mwanje yagambye nti, waliwo omwana Muwanga gwe yabadde atutte mu ssabo wabula n'amuddukako nga ye yabuulidde abazadde ne bategeeza poliisi.

Mwanje agamba bwe batuuse ewa Muwanga, yasoose kulowooza nti bakitongole kya mutindo abaabadde bagenze okuggala kkampuni ye era n'abategeeza nga bw'alina layisinsi emukkiriza okuddukanya kkampuni n'okusogola omwenge.


Bwe baamugambye ku by'okuwamba abaana n'abantu n'okubasaddaaka ne yeegaana n'agamba nti amasabo ga muganda we ayitibwa Willy.

" Mu kubakunya, mukazi wa Muwanga yatugambye nti amasabo ga bba, naye abafu abaliyo baaleese baleete," Mwanje bwe yagambye.

Omwogezi wa poliisi mu bitundu bya Katonga, Lydia Tumushabe yagambye nti baafuna amawulire nga December 7 okuva eri nnyina w'omwana Muwanga gwe yali agezaako okuwamba n'abategeeza nti waliwo emirambo egiri mu maka ga Muwanga .

Poliisi bwe yagenzeeyo baggyeeyo emirambo n'obuwanga bw'abantu abateeberezebwa okuba nga baasaddaakibwa

Muwanga yakwatiddwa era akuumirwa mu kaduukulu ka poliisi e Mpigi.


Amagye mu maka ga Muwanga.